| Essomo 8 | الدرس الثامن |
| --- | --- |

# Omusaayi gwa HEIZWI n'ogwa NIFASI:

**Heizwi** gwe musaayi ogufuluma mu mukyala nga sibulwadde nga guviira ddala wansi munabaana y'omukyala, songa sigwa kuzaala nga gumuvaamu mu buli kiseera ekimanyiddwa, nga ne langi yaagwo emanyiddwa gubeera muddugavu nga guvaamu olusu olubi.
Ate **Nifasi** nagwo gwemusaayi ogufuluma mu nabaana y'omukazi olw'okuzaala, tekisaana eri omukyala ali mu Heizwi oba mu Nifasi. Okubeera nga osaala oba nga asiiba kulwa hadith eyawandiikibwa Imaam Bukhar ne Musilim egamba nti;

Agamba Aisha nti yagamba omubaka (SAW) nti: ***"Bw'oba oyingidde mu biseera bya Heizwi lekayo okusaala naye ate bw'oba obivuddemu, wenaazeko omusaayi osaale".*** Era omukyala ono taliwa sswala ezo zaaba alese ennakuze ezo nga tazisaala, wabula ate kwo okusiiba akuliwa nga aliwa ennaku ezo zeyalyamu.
Era nga bwatakkirizibwa ali mu heizwi okwetoloola Kaaba, era tekikkirizibwa eri bba okwegatta naye munsonga zabwe ez'obufumbo ngali mu heizwi, wabula akkirizibwa okweyagala naye mumbeera endala yonna etali yakwegatta naye mumbeea zobufumbo era ono takkirizibwa kukwata ku Qur'an. N'okwetukuzakwe owa heizwi yetukuza nga omusaayi gumaze kukutukawo tegukyajja, olwonno n'ekiba kya tteeka gyali okubeera nga anaaba olunaaba olunene olwonno nakkirizibwa ebyo byonna ebibadde bimuziyiziddwa.
Era omukyala ono singa agenda mu heizwi nga ekiseera kye sswala kibadde kimaze okuyingira oba nagenda mu nifasi n'agenda mukimu kubino nga tanasaala ekisinga obutuufu mundabaa z'abamanyi, ono bwatuukula alina okuliwa esswala eyo, ate era singa atukula omu kubo nga ekiseera kyesswala kisigaddeko akaseera omuntu mwasaalira Laaka emu yokka, kiba kimukakaseeko omukyala oyo okusaala esswala eyo, songa era kibeera sunna eyagalibwa okubeera nga asaalirako n'esswala egattibwa ku sswala eyo singa omuntu abeera agatta. Okugeza singa atukula omukyala nga Aswiri ebuzaayo akaseera ka Raaka emu, anaaba n'asaala Aswiri eyo, songa kirungi asaalireko ne Swalatu dhuhuri kuba esswala zino zombi zigattibwa mukiseera ekimu. Era singa atukudde ku kiseera kya sswala ya Ishai bwatyo agisaale ate era kiba sunna ne Magaribi okugisaala.